# KCCA ewadde ebiragiro ku balina poloti enjereere mu Kampala

Bya ERIA LUYIMBAZI

KCCA eragidde bannannyini poloti enjereere mu Kampala okuzizimbako ebikomera kitangire abantu okuzisuulamu kasasiro.

Kiddiridde KCCA okukizuula ng'abantu bwe batandise okusuula kasasiro mu poloti enjereere nga baagala okwewala okumusasulira.

Akulira ebyobulamu mu KCCA, Dr. Sarah Zalwango ye yabyogedde bwe yabadde e Kabalagala mu kukunga abantu okukuuma obuyonjo.

"KCCA eri mu kaweefube okulaba ng'erwanyisa abamansa kasasiro era yapatana amakampuni agamuyoola n'okutuukirira abantu n'ebasomesa wabula waliwo abagaanyi nga bamusuula mu bifo ebitakkirizibwa nga mu poloti enjereere. Kati twagala bannyini zo baziteekeko ebikomera," Dr. Zalwango bwe yategeezezza.

Yategeezezza nti KCCA yapatana kkampuni ya Homeklin okuyoola kasasiro mu munisipaali y'e Makindye wabula kirabika omulimu gugiyinze era KCCA yazzeemu okusaba amakampuni agalina obusobozi okussaamu okusaba kwago okumuyoola.

ERIA LUYIMBAZI



Abakozi ba KCCA nga bakung'aanya kasasiro eyasangiddwa ng'asuuliddwa mu poloti eteriiko kikomera.